## Enkyukakyuka mu mbeera y'Obudde ku nyanja Nalubaale

Ebiva mu nkyukakyuka mu mbeera y'Obudde ebimanyiddwa abavubi ku myaalo, byebino:

- Engereka mu biseera by'Ekyeeya n'Amataba byeyongera obungi
- Embuyaga etamanyiddwa yeyongedde
- Enkyukakyuka mu bikka by'empewo
- Embeera mu biseera by'Obudde etategerekeka

Ebirala ebikwata ku nkyukakyuka mu butonde mulimu:

- Okutema emiti mu bibira
- Okwonona entobazi ne tuzigobamu ebizibeeramu (nga tulima mu ntobazi, tuzisenda, tuzimbamu)
- Omuwendo gw'abantu ogweyongedde obungi





## Ebivaamu eri abavubi nga bagezaako okwebezaawo

- Omuwendo gw'ebyenyanja ebikwatiibwa gwakyukamu
- Okukendeera mu Ennyingiza
- Obutaba na mere emala
- Ebirirme okulemererwa okukula obulungi
- Ebisoro biffa
- Kikosa ebintu nga enguudo, amaayumba nebirala, etc.
- Okuvuganya kweyongera
- Endwadde zeyongera





## Ebivaamu bija kweyongera mu biseera ebijja.

### Abantu abatalina mwasirizi nga abakyala n'Abavubuka



Ebibinja byombi by'abantu batesobola, abaavu abatalina kye balina.

Abavubuka tebatendekeddwa mu bukugu bwona, basenguka era basenga, eta nga mu bitundu byabwe tebakyalimu (tebalabika)

Abakyala abakola emirimu gy'abamufuna mpola nabo tebasasulwa, balina obuvu-nanyizibwa bw'okulabirira abaana nga tebalina bikozesebwa biri ku mutindo mu kukwata ebyenja



## Abavubi bateekeddwa okufuna enkola enungaamu ezinabayamba Okubeerawo oba okugumira n'okukuuma embeera zabwe ku myaalo

Enkola eno ejakusinziira ku bumalirivu bw'abantu b'okumyaalo (bitundu) mu kuteekerateekera enkyukakyuka,okuzuula engeri endala ezinabayamba okubeerawo, oba okuvumbula emikisa ejireteddwa ekyukakyuka y'obudde.




## Emizizko egyitulemesa okugumira enkyukakyuka

- Obwavu, n'ebbula lye ttaka aw'okulimira
- Obutasoma oba obutaba nakutendekebwa mu bukuggu
- Obutesisgangana mu kitundu
- Obutekiririzaamu (Obutezaamu suubi, maanyi, Okwesiima)
- Embeera y'obudde etategerekeka
- Enkwasisa y'amateeka enafu n'obukulembeze obukyamu

## Engeri gyetuyinza okutaasa ebiseera by'omumaso



- Okuwa abantu omwaganya okusobola okwewola ensimbi ku magoba amatonotono, Oba okubafunira ebyobugaga ebinabayamba okukendeeza akatyabaga akali mu by'ensimbi
- Okwongera amaanyi mu kutereka ensimbi n'okuwa emisomo kisobozesa amagezi agekikugu okusibwa munkola
- Okwongera omutindo gw'ebikozesebwa mu makungula kindeze okufirizibwa n'okutereka



- Abakyala Okutandikawo ebintu ebyenjawulo mu maka okugaziya enyingiza



- Okusaawo enkola enesobozesa ebibiina by'abalimi okufuna ettaka kwebalimira
- Okutegeka emisomo, Okutendeka abakugu wamu n'okusomesa abavubuka engeri gyebayinza era n'alwaki bandibadde batandikawo emirimu emirala.

- Okuzimba obumu mubantu b'Ekitundu (Myaalo) kibasobozese okugabana obukugu (Amagezi), kikendeeze akatyabaga, ate kibayambeko n'okufuna obumanyirivu.

- Okuddayo ku nima eyedda (Nansangwa) (Okusima enkonko z'amazzi, okwewala okukozesa eddagala mu malimiro, okwewala okulima mu ntobazi) N'okukozesa obukoddyo obupya nga (okufukirira ebilime).



- Okubeera mu kifo ekimu okusobola okuzimba ekitundu, okwetandikirawo eby'okukola n'okusobola okubaako ebyo'bugaga ebifunibw

- Buli muntu okwenyigiramu okulaba nga wabaawo obukulembeze obulungi kisobozesa okufaayo eri abavubi.

- Okwongera amaanyi mu ngabana y'obukugu (amagezi) wakati w'abavubi n'abukulembeze okusobola okutegeeragana









*Kuba ekifananyi oba "map" eraga ebyondo by'enyanja Nalubaale ne Nabugabo mu Uganda, okunonyereza kuno gye kwakolebwa.*

NaFIRRI IDRC Canada McGill

*Omulimu guno gwawagirwa IDRC, McGill, ne NaFIRRI*

***Engeri gy'oyinza okutuuka ku yakola omulimu guno***

**Elizabeth A Nyboer (McGill University)**
b.a.nyboer@gmail.com
Uganda 0776 864 996 / Canada +1 514 638 6794

**Laban Musinguzi (NaFIRRI)**
labanmusinguzi@firi.go.ug
Phone 0775 701 126

# OKUVAAYO NEDDOBOZI KUNSONGA YENKYUKAKYUKA MU MBEERA Y'OBUDDE KU MYALO EGYETORODDE E NNYANJA NALUBAALE



**Alipoota ekwata ku bitundu by'emyaalo gye Lambu, Ggolo, Nakiga, Bbaale, and Kaziru mu Uganda**